



WESTERN JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(AMATEEKA N'ENKOZESA Y'OLULIMI, OBUWANGWA N'ABAWANDIISI)

Olupapula Olusooka

Essaawa bbiri n'ekitundu (2½)

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu: **A**, **B** ne **C**.*
- *Ekitundu **A** kyabuwaze*
- *Mu kitundu **B** kola nnamba **2**, **3**, ne **4**. Oweereddwa ebyokulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Mu kitundu **C** ggyamu ekibuuozo **kimu** (1) ng'okironda ku bikuweereddwa.*

EKITUNDUA

Ddamu ebibuuozo **byonna** ebikuweereddwa mu kitundu kino.

1. a) Koppolola ebikolwa ebiteemala ebyeyolekedde mu sentensi zino wammanga
(Obubonero 05)

- (i) Tugenda kusoma Luganda olweggulo
- (ii) Omwana muleke asooke anaabe nga tannagenda ku ssomero
- (iii) Gira olya naye w'anaakusangira
- (iv) Bw'anankubira essimu, nja kugendayo

- (b) Amannya gano gawe embu z'amannya mwe gagwa **(Obubonero 05)**

- (i) Olwazi
- (ii) Mukene
- (iii) Ekikazi
- (iv) Butunda
- (v) Munda

- (c) Laga nnakasigirwa enkozi, kaabulindiridde n'akabonero k'ekiseera ebyeyolekera mu sentensi ezikuweereddwa mu lukangaga luno wammanga **(Obubonero 06)**

	Emboozi	Nnakasigirwa enkozi	Kaabulindiridde	Akabonero k'ekiseera
(i)	Olimubagambira			
(ii)	Akitukubye			
(iii)	Mmumulabide			
(iv)	Banaabibaleetera			

- (d) Nnyonnyola amateeka ga ggulama agamenyeddwa mu mboozi zino **(Obubonero 04)**

- (i) Tuba twakasimbula eryato lyaffe ne libbila.
- (ii) Ababbi baatuluumbye ne batukuba mizibu.
- (iii) Jjemba yakuba Kasolo ekyupa n'amwasa omutwe.
- (iv) ηñenda okutuuka ku mukolo ng'enddongo yatandise dda okuvuga.

- (e) Weeyambise enzirugaze oggyemu obugambo obulaga ebifo obuli mu sentensi zino
(Obubonero 05)

- (i) Omwana mutuuze mu ntebe kitaawe mw'aba amusanga.
- (ii) Atutte mwana ku ssomero atandike okusoma.
- (iii) Ggya mu nsawo emitwalo esatu gya ntambula.
- (iv) Tugenze e Kampala nga twevuga.
- (v) Ekikopo kiteeke ku mmeeza tekyatikira wansi

- (f) Leetayo amannya ataano nga gazimbiddwa okuva mu kikolwa OKUSOMA
(Obubonero 05)

EKITUNDU B

*Ddamu ebibuuozo **bisatu** mu kitundu kino.
Kola nnamba **2, 3 ne 4** ng'ogoberera ebikuweereddwa
Kola **2(a) oba 2(b)***

2. (a)(i) Menya ebika by'abantu ba mirunda ena abayitibwa abalongo mu Buganda
(Obubonero 04)

(ii) Nnyonnyola emizizo n'obulombolombo Omuganda bwe yassanga ku kuzaala
abalongo **(Obubonero 16)**

Oba

(b) Nnyonnyola engeri obuwangwa bw'Abaganda gye bukyayisaamu abantu
okwetuga**(Obubonero 20)**

Kola 3(a) ne 3(b)

3. (a) Nnyonnyola amakulu agoomunda ag'ebisoko ebikuweereddwa wammanga:
(Obubonero 10)

- (i) Okumyusa aga jjo
- (ii) Okukuba ez'oku magi
- (iii) Okubeera omuntu obukiika
- (iv) Okusenya ku kintu
- (v) Okuba mpale enywera mugwa

(b) Ebisoko ebikuweereddwa bikozese mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu
gaabyo **(Obubonero 06)**

- (i) Okukoma ku munaabo
- (ii) Okukuba ng'emisu
- (iii) Okugalinnya gye gava

Kola 4(a) ne 4(b)

4. (a) Maliriza engero ezikuweereddwa nga bwe zoogerwa **(Obubonero 06)**

- (i) _____ kakira omukwano
- (ii) Kiridde bwami _____
- (iii) Ekiri mu bbanja _____

(b) Nnyonnyola amakulu g'engero zino agoomunda **(Obubonero 08)**

- (i) Embiro entono zikira okwekweka
- (ii) Omunaku kaama yeerandiza yekka
- (iii) Obulungi bw'ensozi obulaba ziri wala
- (iv) Kasugga kagoba kisambu

EKITUNDU C

*Ddamu ekibuuozo kimu mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba **5, 6 oba 7**
Kola **5(a) oba 5(b)***

5. (a) Nnyonnyola n'ebiyokulabirako engeri olulimi Oluganda gye luganyulwa mu
buweereza bwa Kaswa **(Obubonero 20)**

Oba

(b) Kaswa teyawandiikira bassi ba nswa bokka. Weesigame ku kitabo *Omuganda n'Ensua* okakase endowooza eyo n'eb yokulabirako (**Obubonero 20**)

Kola **6(a)** oba **6(b)**

6. (a) Weesigame ku bulamu bwa Busuulwa onnyonnyole engeri eggwanga gye liganyulwa mu bannabitone (**Obubonero 20**)

Oba

(b) Ekitabo *Mujagozo* ly'ettu Busuulwa ly'asibirira oyo yenna ayagala okumanya ku bukulu bw'eñjoma eri Omuganda. Ttaanya n'eb yokulabirako (**Obubonero 20**)

Kola **7(a)** oba **7(b)**

7. (a) Nnyonnyola engeri Omuganda gy'ayinza okukulaakulanyaamu olulimi lwe ng'alabira ku Matovu Joy (**Obubonero 20**)

Oba

(b) Weesigame ku kitabo *Eddaame lyà Nsimbi* onyonnyole ebintu ebikulu Nsimbi bye yalaamira ensi ye (**Obubonero 20**)

BIKOMYE WANO